# EMPA YA ZAKAT
## MU NSOLO N'EBIRIME

(زَكَاةُ بَهِيمَةِ الأَنْعَامِ السَّائِمَةِ وَالمَزْرُوعَاتِ)

**Kiwandiikiddwa**

**Muhammad Quraish Mazinga**

# EBIRI MUNDA

**OMUTWE** **OLUPAPULA**


**Obw'etteeka Bwa Zakat Y'ensolo ………………… 3**

**Niswab Z'ensolo Ezirundibwa …………………… 5**

**Niswab Y'ente ………………………………………… 5**

**Niswab Y'engamiya ……… …………………………… 12**

**Ekigero Ekiweebwa Mu Ngamiya ……………………… 15**

**Zakat Eweebwa Buli Mwaka ………………… 17**

**Emiwendo Egiri Wakati W'emiwendo Ebiri … ….. 18**

**Ebitendo By'ensolo Eweebwayo ……………………… 19**

**Okugatta Ensolo N'okuzaawula …………………… 22**

**Okukwanguyiza Empa Ya Zakat Mu Nsolo ……… 25**

**Zakat Y'ebirime ……………………………………… 32**

**Ebirime Ebiweebwamu Zakat ……………………… 34**

**Obukwakkulizo Bwa Zakat Y'ebirime ……………… 37**

**Niswab Y'ebirime ………………………………… 41**

**Ekigero Ekiweebwa Mu Birime …………………… 43**

**Okufukirira Kwokka Kwe Kutunuulirwa ……… 47**

**Okugatta Ebirime ………………………………… 50**

بسم الله الرحمن الرحيم

Amatendo amalungi era amajjuvu ga mutonzi waffe ow'ekitiibwa Allah ﷻ. Okusaasira n'emirembe bibe ku mwagalwa waffe ow'ekitiibwa, omubaka Muhammad ﷺ, eyatutumirwa nga kya kusaasira eri ebitonde byonna, ne ba swahaaba be ab'ebitiibwa, n'abo bonna abagoberera obulungamu bwabwe okutuusa ku lunaku lw'enkomerero.

Ow'ekitiibwa Omukkiriza, kimanye nti mu mmaali omutonziwo Allah ﷻ gye yalaalikamu Zakat, mwe muli ensolo ennya ezirundibwa. Engamiya, ente, embuzi, n'endiga. Wabula abamanyi baakyegattako nti singa omuntu aba n'embogo, nazo aziwaamu Zakat. Era ennamula y'embogo y'ennamula y'ente. Imaam Ibn Al Mundhir ***Rahimahullah*** yagamba nti:

وَأَجْمَعُوْا عَلَى أَنَّ حُكْمَ الجَوَامِيْسِ حُكْمُ البَقَرِ (الإجماع، لابن المنذر **1/45**)

## Abamanyi baakyegattako nti ennamula y'embogo, y'ennamula y'ente

Obujulizi obulaga obw'etteeka bw'okuwa Zakat mu nsolo ezo ennya, ye Hadiith y'omubaka ow'ekitiibwa Muhammad ﷺ eva ku Swahaabi ayitibwa Abu Zharri Al Ghifaari ؓ, atunyumiza nti:

مَا مِنْ صَاحِبِ إِبِلٍ وَلَا بَقَرٍ وَلَا غَنَمٍ لَا يُؤَدِّي زَكَاتَهَا إِلَّا جَاءَتْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ أَعْظَمَ مَا كَانَتْ وَأَسْمَنَهُ تَنْطَحُهُ بِقُرُونِهَا وَتَطَؤُهُ بِأَظْلَافِهَا (رواه مسلم)

**Nawulira Omubaka wa Allah ng'agamba nti:**
**Tewali muntu aba n'engamiya, oba ente, oba embuzi, n'agaana okubiwaamu Zakat, okuggyako (ng'ensolo ezo) zigenda kujja ku lunaku lw'enkomerero nga ngulumivu nnyo, era nga nnene nnyo okusinga bwe zaali (ku nsi), zimufumitefumite n'amayembe gaazo, nga bwe zimubyabyataza n'ebigere byazo.**

Kikulu nnyo okumanya nti, ensolo eziweebwamu Zakat zeezo ezeeriisa nga zirya omuddo ogwokuttale oba ogwomuffaamu ng'enkola y'abaluzi abasinga obungi mu ggwanga lyaffe Uganda bweri.

Kino kitegeeza nti, singa omuntu aba n'ensolo ezirundibwa, kyokka nga teziva waka, wabula ng'azigulira bugulizi mmere, oba okuba nti ye kennyini afuluma n'azinoonyeza omuddo, n'ebiwata, ng'eyo y'enkola ye ekitundu ekisinga obunene mu mwaka, wadde ng'olumu azifulumyako ne zeeriisa, omuntu oyo aba takakatibwako kuwa Zakat mu nsolo ezo olw'obujulizi bwe tujja okulaba mu maaso ***insha'Allah***.

## NISWAB Z'ENSOLO EZIRUNDIBWA

(أَنصِبَة بَهِيْمَةِ الأنعامِ السّائمَة)

Niswab kye kigero emmaali ky'eteekeddwa okubaako eryoke ekakate okuweebwamu Zakat. Buli mmaali Obusiraamu gye bwalaalikamu Zakat, erina niswab. Aweza niswab mu mmaali ye, y'akakatibwako okuwa Zakat. Ataweza niswab, tawa Zakat. Mu kifo kino, katulabe niswab ya buli kika ky'ensolo n'obujulizi bwa niswab eyo, n'ekigero kya Zakat ekiteekeddwa okuweebwamu.

## NISWAB Y'ENTE NE ZAKAT EWEEBWAMU

(نصَابُ البقر وَالقدرُ الواجبُ إخراجُه)

Niswab y'ente, ziba ente amakumi esatu (30). Ente bwe ziba teziwera asatu teziweebwamu Zakat. Omusiraamu bw'aweza ente asatu, aba afunye ekigero ky'obugagga mu nte ze ekimukakasaako okuwa Zakat. Obujulizi bwa niswab y'ente, ye Hadiith eva ku Mu'aadh Ibn Jabal ﵁. Yagamba nti:

أَمَرَنِي رَسُولُ اللَّهِ صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ حِينَ بَعَثَنِي إِلَى الْيَمَنِ أَنْ لَا آخُذَ مِنَ الْبَقَرِ شَيْئًا حَتَّى تَبْلُغَ ثَلَاثِينَ (رواه النسائي وأبو داود والترمذي وصححه الألباني في صحيح الترمذي)

**Omubaka wa Allah bwe yantuma e Yemen, yandagira obutaggya Zakat mu nte (za bantu) okutuusa nga ziweze amakumi asatu.**

Omusiraamu bw'aweza ente amakumi asatu, ne ziyitako omwaka okuva lwe zaawera asatu, aba akakakatibwako okuziwaamu Zakat ya nnyana emu enkazi oba ennume ewezezza omwaka. Ennyana ejjuzza omwaka, eyitibwa mu lulimi oluwarabu: ***Tabii'at*** (enkazi) oba ***Tabii'e*** (ennume).

Okuva ku nte asatu okutuuka ku nte 39, awaamu ennyana emu gye tulabye. Bwe ziwera ente 40 aba ateekeddwa okuziwaamu Zakat ya nte emu enkazi (eteekeddwa kuba nkazi) ewezezza emyaka ebiri nga eyingidde mu gwokusatu, ne bw'eba eyingiddemu week emu yokka. Eyitibwa ***Musinna.***

Bwe zisukka ente 40, awo abala omuwendo gw'ente ze zonna z'alina: Mu buli nte 30 n'awaamu ennyana emu enkazi oba ennume, nga ennyana eyo ejjuzza omwaka nga eyingidde mu gwokubiri. Tukirabye nti eyitibwa ***Tabii'at*** oba ***Tabii'e.*** Ate mu buli nte 40, awaamu ente emu **enkazi** ejjuzza emyaka ebiri nga eyingidde ogwokusatu. Tukirabye nti eyitibwa ***Musinna.***

Kino kitegeeza nti okuva ku nte 40 okutuuka ku nte 59, awaamu Zakat ya nte enkazi emu yokka ey'emyaka ebiri. Kyokka bwe ziwera ente 60 okutuuka ku nte 69 awo aba alina okuwa Zakat ya nnyana bbiri, nga zombi ziwezezza omwaka gumu, kubanga tukirabye nti, mu buli nte 30 alina okuwaamu ennyana emu ey'omwaka.

Bwe ziwera ente 70 awo awa Zakat ya nte bbiri: Enkazi ey'emyaka ebiri n'ennyana enkazi oba ennume ey'omwaka ogumu. Kubanga bw'ogatta ente 30 eziweebwamu Zakat ey'ennyana, n'ente 40 eziweebwamu Zakat ey'ente enkazi ey'emyaka ebiri, oweza ente 70.

N'olwekyo, ne muba nga mu nte 70 mulimu Zakat ya nte emu n'ennyana.

Bwe ziwera ente 80, awo aba alina okuwa Zakat ya nte bbiri enkazi - nga buli emu ewezezza emyaka ebiri. Kubanga mu nte 80 mulimu ente 40 emirundi ebiri. Bwe ziwera ente 90, aziwaamu Zakat ya nnyana ssatu (enkazi oba ennume) nga buli emu ewezezza omwaka. Kubanga mu nte 90 mulimu ente 30 emirundi esatu.

Bwe ziwera ente 100, awaamu ente emu enkazi ey'emyaka ebiri, n'ennyana bbiri - nga buli emu ejjuzza omwaka. Bwe ziwera ente 120, awo nannyini zo wa ddembe okuwa Zakat ya nte ssatu enkazi, nga buli emu ewezezza emyaka ebiri, oba, okuwa Zakat ya nnyana nnya nga buli emu ejjuzza omwaka. Kubanga mu nte 120, mulimu ente 40 emirundi esatu oba ente 30 emirundi ena.

Bw'atyo bw'akola okutuusa omuwendo gw'ente ze gye gukoma. Nsaba ow'ekitiibwa Allah ﷻ atwanguyize okubitegeera, n'okubissa mu nkola, atugase nabyo ku nsi ne ku nkomerero.

Obujulizi bw'ekigero kya Zakat ekyo ekiweebwamu mu miwendo gy'ente egy'enjawulo, ye Hadiith era eva ku Mu'aadh Ibn Jabal ﵁ agamba nti Omubaka Muhammad ﷺ bwe yamutuma e Yemen:

أَمَرَهُ أَنْ يَأْخُذَ مِنَ الْبَقَرِ مِنْ كُلِّ ثَلاَثِينَ تَبِيعًا أَوْ تَبِيعَةً وَمِنْ كُلِّ أَرْبَعِينَ مُسِنَّةً

(رواه أصحاب السنن وصححه الألباني في صحيح الترمذي)

**Yamulagira okuggya Zakat mu nte (za bantu); mu buli nte asatu (30), aggyemu tabii'e (ennyana ennume ey'omwaka) oba tabii'at (ennyana enkazi ey'omwaka), ate mu buli nte ana (40) aggyemu musinna (ente enkazi ey'emyaka ebiri)**

## NISWAB Y'EMBUZI N'ENDIGA NE ZAKAT EWEEBWAMU

## (نِصَابُ الغنَمِ والقدرُ الواجِبُ إخرَاجُه)

Tukirabye nti niswab y'ente ziba ente asatu. Ne tukiraba nti niswab kye kigero emmaali ky'eteekeddwa okubaako eryoke ekakate okuweebwamu Zakat.

Kati kimanye, owange ggwe Omukkiriza ow'ekitiibwa, nti niswab y'embuzi ziba embuzi amakumi ana (40). Embuzi bwe ziba teziwera 40, teziweebwamu Zakat. Obujulizi bwa niswab y'embuzi, ye Hadiith ya Anas Ibn Maalik ﵁: Yagamba Abubakar Asswiddiiq ﵁ ng'ajja ku mubaka Muhammad ﷺ nti:

فَإِذَا كَانَتْ سَائِمَةُ الرَّجُلِ نَاقِصَةً مِنْ أَرْبَعِينَ شَاةً وَاحِدَةً فَلَيْسَ فِيهَا صَدَقَةٌ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ رَبُّهَا (رواه البخاري)

**Bwe ziba ng'embuzi z'omusajja ezeeriisa teziwera mbuzi ana (40), ne bwe ziba zibulako embuzi emu yokka, tezikakata kuweebwamu Zakat**

Embuzi bwe ziwera amakumi 40, ne ziyitako omwaka mulamba okuva lwe zaawera, okutuuka ku mbuzi 120, ziweebwamu Zakat ya embuzi emu yokka. Ate okuva ku mbuzi 121 okutuuka ku mbuzi 200 ziweebwamu embuzi bbiri zokka. Okuva ku mbuzi 201 okutuuka ku mbuzi 300, muweebwamu Zakat ya mbuzi ssatu zokka.

Bwe zisukka embuzi 300, awo mu buli mbuzi 100 muweebwamu Zakat ya mbuzi emu yokka. Kitegeeza nti mu mbuzi 400, muweebwamu embuzi nnya. Mu mbuzi 500, muweebwamu embuzi ttaano. Mu mbuzi 600, muweebwamu embuzi mukaaga. Bwekityo okutuusa omuwendo gw'embuzi gye gukoma.

Obujulizi bw'ekigero kya Zakat ekiweeba mu miwendo gy'embuzi egy'enjawulo, ye Hadiith era eva ku Anas Ibn Maalik ﵁ nga Hadiith eno kitundu ku Hadiith empanvu gye twalabye waggulu eraga ekigero kya Zakat ekiweebwa mu ngamiya mu kiwandiiko ekyawandiikibwa omukulembeze w'abakiriza ow'ekitiibwa Abu Bakar Asswiddiiq ﵁ ng'aggya ku mubaka Muhammad ﷺ:

وَفِي صَدَقَةِ الْغَنَمِ فِي سَائِمَتِهَا إِذَا كَانَتْ أَرْبَعِينَ إِلَى عِشْرِينَ وَمِائَةٍ شَاةٌ فَإِذَا زَادَتْ عَلَى عِشْرِينَ
وَمِائَةٍ إِلَى مِائَتَيْنِ شَاتَانِ فَإِذَا زَادَتْ عَلَى مِائَتَيْنِ إِلَى ثَلَاثِ مِائَةٍ فَفِيهَا ثَلَاثُ شِيَاهٍ فَإِذَا
زَادَتْ عَلَى ثَلَاثِ مِائَةٍ فَفِي كُلِّ مِائَةٍ شَاةٌ (متفق عليه)

**Ate Zakat y'embuzi eziriira ku ttale, embuzi emu (1) y'eweebwa mu mbuzi ana (40) okutuuka ku mbuzi kikumi mu abiri (120). Bwe zisukka embuzi kikumi mu abiri, obutasukka mbuzi bibiri, awo ziweebwamu Zakat ya mbuzi bbiri.**

**Ate okuva ku mbuzi bibiri, obutasukka mbuzi bisatu, ziweebwamu Zakat ya embuzi ssatu. Bwe zisukka embuzi bisatu, awo mu buli mbuzi kikumi ekyeyongerako mukakatamu embuzi emu**

Hadiith eno, n'eya niswab y'embuzi eri waggulu, bwe bujulizi bw'ekyo kye twalabye emabega nti ensolo eziweebwamu Zakat zeezo ezeeriisa – ng'eziriira ku ttale n'abalaalo, oba ezisibwayo, oba ezibeera mu ffaamu nga zisinga kulya muddo ogumera mu ffaamu. Ago ge makulu g'ekigambo ***Saa'imah***.

Kyokka singa ziba ng'omuddo gwe zisinga okulya gugulwa bugulwa, oba nga nnyinizo agenda ku ttale buli lunaku n'azinoonyeza omuddo n'ebiwata, ng'ente ezitava waka bwe zitera okubeera, awo teziweebwamu Zakat ne bwe ziba ziweza omuwendo oguweebwamu Zakat.

Ate singa aba ng'azigulira omuddo oba ng'azinoonyeza eby'okulya ebiseera ebimu kyokka ng'ebiseera ebisinga obungi zeeriisa zokka, awo ziba ziteekeddwa okuweebwamu Zakat. Mu bufunze: Singa ensolo ziba ng'emmere gye zisinga okulya ezireetebwa buleetebwa, teziweebwamu Zakat. Ate bwe ziba nga zisinga kweriisa, awo ziba ziteekeddwa okuweebwamu Zakat.

## ENDIGA

Mu lulimi oluwarabu, ekigambo: **'Ghanam'** liba linnya erizingiramu embuzi n'endiga. Kitegeeza nti niswab y'embuzi gye tulabye ye niswab y'endiga. Era n'empa ya Zakat mu mbuzi y'empa ya Zakat mu ndiga. Byombi bye bimu, n'obujulizi bwe bumu – kubanga Nabbi ﷺ yakozesa erinnya 'Ganam' erigatta ensolo zombi.

**وَالغَنَمُ تَشْمَلُ الماعِزَ وَالضَّأْنَ** (الشرح الممتع لابن عثيمين، **60/2**)

**Ghanam, etwaliramu endiga n'embuzi**

Embuzi eyitibwa ***Ma'azu***. Ate endiga n'eyitibwa ***Dha'anu***. Embuzi ensajja n'eyitibwa ***Tayisu***. Ate enkazi n'eyitibwa ***Anzatu***. Endiga ensajja n'eyitibwa ***Kabshu***. Ate enkazi n'eyitibwa ***Na'ajatu***. Zonna ezo ennya ziyitibwa ***Ghanam***. Ssi nga bwe bivvuunulwa mu nsobi nti: ***Ghanam*** ye mbuzi. ***Kabshu*** ye ndiga. Soma Suurat ***Al An'aam*** aya ya 143.

Kino kitegeeza nti singa omuntu aba n'embuzi amakumi abiri, nga alina n'endiga amakumi abiri, omuntu oyo aba alina niswab. Abamanyi tebakirinaako mpawa nti byombi bye bimu, era byombi bigattibwa okukola emiwendo gye tulabye. Imaam Ibn Al Mundhir ***Rahimahullah*** yagamba nti:

**وَأَجْمَعُوْا عَلَى أَنَّ الضَّأْنَ وَالمعْزَ يُجْمَعَانِ فِي الصَّدَقَة** (الإجماع، لابن المنذر **45/1**)

**Era abamanyi baakyegattako nti: endiga n'embuzi bigattibwa mu kuwa Zakat**

## NISWAB Y'ENGAMIYA NE ZAKAT EWEEBWAMU

(نِصَابُ الإِبِلِ وَالقدرُ الوَاجِبُ إِخْرَاجُه)

Niswab y'engamiya ziba engamiya ttaano. Engamiya bwe ziba teziwera ttaano, teziweebwamu Zakat. Omusiraamu bw'aweza engamiya ttaano, ne ziyitako omwaka mulamba okuva lwe zaawera ettaano, aba ateekeddwa okuziwaamu Zakat. Yagamba Omubaka mu Hadiith ya Abu Sa'eed Al Khudri nti:

وَلَيْسَ فِيمَا دُونَ خَمْسِ ذَوْدٍ مِنَ الْإِبِلِ صَدَقَةٌ

(متفق عليه من حديث أبي سعيد الخدري رضي الله عنه)

### Engamiya ezitawera ttaano teziweebwamu Zakat

Omusiraamu bw'aweza engamiya ttaano, ne ziyitako omwaka mulamba okuva lwe zaawera ettaano, aba ateekeddwa okuziwaamu Zakat ya mbuzi emu. Oluvannyuma aba ateekeddwa okuwa embuzi emu mu buli ngamiya ttaano ezeeyongerako okukoma ku ngamiya abiri mu nnya (24).

Kino kitegeeza nti, engamiya 10 ziweebwamu embuzi 2. Ate engamiya 15 ne ziweebwamu embuzi 3. Ate 20 okutuusa ku 24 ziweebwamu embuzi 4. Kino kikulaga nti, engamiya mwenda ziweebwamu embuzi emu yokka. Kubanga ziba tezinnawera kkumi. N'engamiya 10 - 14 ziweebwamu embuzi 2 zokka. N'engamiya 15 - 19 ziweebwamu embuzi 3 zokka. N'engamiya 20

- 24 ziweebwamu embuzi 4 zokka - era okuwa embuzi awo we kukoma.

Bwe ziwera engamiya 25, awo atandika kuwa ngamiya so ssi mbuzi. Okuva ku ngamiya 25 okutuuka ku ngamiya 35, awo Omusiraamu aba ateekeddwa okuziwaamu engamiya emu enkazi ewezezza omwaka omulamba okuva lwe yazaalibwa ng'eyingidde mu mwaka ogwokubiri. Ne bw'eba nga eguyingiddemu week emu yokka. Eyitibwa mu lulimi oluwarabu: ***Bintu Makhaadhi***.

Bw'aba talina Bintu Makhaadhi, olw'okuba ensolo enkazi ya mugaso okusinga ensajja, akkirizibwa okuwa Ibn Labuun mu kifo kya Bint Makhaadhi. Ibn Labuun yengamiya ensajja ewezezza emyaka ebiri nga eyingidde mu gwokusatu. Olwa Hadiith ya Anas Ibn Maalik. Omubaka yagamba nti:

فَإِنْ لَمْ يَكُنْ فِيهَا بِنْتُ مَخَاضٍ فَابْنُ لَبُونٍ ذَكَرٌ

(رواه أبو داود)

**Bw'aba talina Bint Makhaadhi, awe Ibn Labuun ensajja**

Bwe ziwera engamiya 36 okutuuka ku ngamiya 45, aba ateekeddwa okuziwaamu engamiya emu enkazi ey'emyaka ebiri ng'eyingidde mu mwaka ogwokusatu. Eyitibwa ***Bintu Labuun.*** Bwe ziwera engamiya 60, aba ateekeddwa okuziwaamu engamiya emu enkazi ey'emyaka esatu ng'eyingidde mu mwaka ogwokuna. Eyitibwa ***Hiqqat*** olw'okuba eba etuuse okuwaka n'okwetikka ebizito.

Okuva ku ngamiya 61 okutuuka ku ngamiya 75 aba ateekeddwa okuziwaamu engamiya enkazi emu ey'emyaka ena ng'eyingidde mu mwaka ogwokutaano. Eyitibwa ***Jadha'at***.

Bwe ziwera 76 okutuuka ku ngamiya 90, aba ateekeddwa okuwaamu engamiya bbiri enkazi eziwezezza emyaka ebiri nga ziyingidde mu mwaka ogwokusatu. Ate engamiya 91 okutuuka ku ngamiya 120 ziweebwamu engamiya bbiri enkazi ez'emyaka esatu nga ziyingidde omwaka ogwokuna.

Bwe zisukka engamiya 120, awo aba ateekeddwa okuwa mu buli ngamiya 40 engamiya emu enkazi ey'emyaka ebiri ng'eyingidde mu mwaka ogwokusatu gye twalabye nti bagiyita ***Bintu Labuun***. Ate mu buli ngamiya 50, awaamu ***Hiqqat*** gye twalabye nti ye ngamiya enkazi ewezezza emyaka esatu ng'eyingidde mu mwaka ogwokuna.

Kino kitegeeza nti mu ngamiya 130, awaamu Bintu Labuun bbiri ne Hiqqat emu. Kubanga (130) mulimu 40 bbiri, ne 50 emu. Ate engamiya 140 ziweebwamu Hiqqat bbiri, ne Bint Labuun emu. Kubanga (140) mulimu 50 bbiri, ne 40 emu. Ate engamiya 150 ziweebwamu Hiqqat ssatu. Kubanga (150) mulimu 50 emirundi esatu. Bw'atyo bw'abala Zakat ye okutuusa omuwendo gw'engamiya ze gye gukoma.

## EKIGERO EKIWEEBWA MU NGAMIYA

Obujulizi bwa niswab y'engamiya gye tulabye, n'ekigero kya Zakat ekiweebwa kye tulabye, ye Hadiith ya Anas Ibn Maalik ﵁ empanvu, mu kiwandiiko ekyamuwandiikirwa omukulembeze w'abakkiriza Abu Bakar Asswiddiiq ﵁ bwe yali amutumye e Bahrain. Yamuwandiikira nti:

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ هَذِهِ فَرِيضَةُ الصَّدَقَةِ الَّتِي فَرَضَ رَسُولُ اللَّهِ صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ عَلَى الْمُسْلِمِينَ وَالَّتِي أَمَرَ اللَّهُ بِهَا رَسُولَهُ فَمَنْ سُئِلَهَا مِنْ الْمُسْلِمِينَ عَلَى وَجْهِهَا فَلْيُعْطِهَا وَمَنْ سُئِلَ فَوْقَهَا فَلَا يُعْطِ فِي أَرْبَعٍ وَعِشْرِينَ مِنْ الْإِبِلِ فَمَا دُونَهَا مِنْ الْغَنَمِ مِنْ كُلِّ خَمْسٍ شَاةٌ إِذَا بَلَغَتْ خَمْسًا وَعِشْرِينَ إِلَى خَمْسٍ وَثَلَاثِينَ فَفِيهَا بِنْتُ مَخَاضٍ أُنْثَى فَإِذَا بَلَغَتْ سِتًّا وَثَلَاثِينَ إِلَى خَمْسٍ وَأَرْبَعِينَ فَفِيهَا بِنْتُ لَبُونٍ أُنْثَى فَإِذَا بَلَغَتْ سِتًّا وَأَرْبَعِينَ إِلَى سِتِّينَ فَفِيهَا حِقَّةٌ طَرُوقَةُ الْجَمَلِ فَإِذَا بَلَغَتْ وَاحِدَةً وَسِتِّينَ إِلَى خَمْسٍ وَسَبْعِينَ فَفِيهَا جَذَعَةٌ فَإِذَا بَلَغَتْ يَعْنِي سِتًّا وَسَبْعِينَ إِلَى تِسْعِينَ فَفِيهَا بِنْتَا لَبُونٍ فَإِذَا بَلَغَتْ إِحْدَى وَتِسْعِينَ إِلَى عِشْرِينَ وَمِائَةٍ فَفِيهَا حِقَّتَانِ طَرُوقَتَا الْجَمَلِ فَإِذَا زَادَتْ عَلَى عِشْرِينَ وَمِائَةٍ فَفِي كُلِّ أَرْبَعِينَ بِنْتُ لَبُونٍ وَفِي كُلِّ خَمْسِينَ حِقَّةٌ وَمَنْ لَمْ يَكُنْ مَعَهُ إِلَّا أَرْبَعٌ مِنْ الْإِبِلِ فَلَيْسَ فِيهَا صَدَقَةٌ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ رَبُّهَا فَإِذَا بَلَغَتْ خَمْسًا مِنْ الْإِبِلِ فَفِيهَا شَاةٌ

(رواه البخاري)

**Bismillah Arrahmaan Arrahiim. Eno ye Zakat omubaka wa Allah gye yalaalika ku Basiraamu, era Allah gye yalagira Omubaka we. Omusiraamu yenna agisabibwanga nga bwe yalaalikibwa, agiwenga, ate asabibwanga esinga kw'eyo**

**eyalaalikibwa tagiwanga. Mu ngamiya 24 okudda wansi, mu buli ngamiya 5 akakatibwako okuwaamu embuzi emu.**

**Bwe ziwera engamiya 25 obutasukka ngamiya 35, muweebwamu Zakat ya Bint Makhaadhi (engamiya emu enkazi ewezezza omwaka ogumu ng'eyingidde mu gwokubiri). Bwe ziwera engamiya 36 obutasukka ngamiya 45, muweebwamu Bint Labuun (engamiya enkazi ewezezza emyaka ebiri ng'eyingidde mu gwokusatu).**

**Bwe ziwera engamiya 46 obutasukka ngamiya 60, muweebwamu Hiqqat (engamiya enkazi ewezezza emyaka esatu ng'eyingidde mu gw'okuna). Bwe ziwera engamiya 61 okutuuka ku ngamiya 75, muweebwamu Jadha'at (engamiya ewezezza emyaka ena ng'eyingidde mu gwokutaano). Bwe ziwera engamiya 76 okutuuka ku ngamiya 90, muweebwamu Bint Labuun bbiri. Bwe ziwera engamiya 91 okutuuka ku ngamiya 120, muweebwamu Hiqqat bbiri.**

**Ate bwe zisukka ku ngamiya 120, awo buli ngamiya 40 muweebwamu Bint Labuun emu ate mu buli ngamiya 50 muweebwamu Hiqqat. Ate omuntu alina engamiya nnya zokka okudda wansi, takakatibwako Zakat okuggyako nga nnyinizo y'ayagadde okubaako ne ky'awaayo. Bwe ziwera engamiya ttaano aziwaamu embuzi emu yokka. *(Bukhaarie)*.**

## ZAKAT EWEEBWA BULI MWAKA

Ow'ekitiibwa Omukkiriza, wategedde niswab y'ente, ne niswab y'embuzi, ne niswab y'engamiya. Kati kikulu nnyo okumanya nti ensolo bwe ziwera niswab yaazo, zirina okusooka okuyitako omwaka okuva lwe zaawera niswab. Bwe guyitawo nga tezikyawera niswab yaazo, olw'okugwamu obulwadde ne zifa, oba olw'okuzitundako, oba olw'okuzirya, oba olw'okuzigabako, teziweebwamu Zakat era tekubanjibwa.

Naye omwaka bwe guyitawo nga zikyawera niswab yaazo, oba nga zeeyongeddeko, awo okakatibwako okuwa Zakat eweebwa mu muwendo gwazo nga bwe gwakulagiddwa. Oluvannyuma bala omwaka okuva omwaka ogukulembedde we gwaweredde so ssi we waweeredde Zakat kubanga oyinza okuba nga wakyereye okugiwa. Bwe guyitawo, ddamu obale ensolo z'olina. Bwe ziba zikyali waggulu wa niswab owe Zakat mu muwendo gwazo nga bwe gwakulagiddwa. Okole bw'otyo buli mwaka.

## EMIWENDO EGIRI WAKATI W'EMIWENDO EBIRI

(الأَوْقاصُ)

Al waqsu, gye miwendo egiri wakati w'emiwendo ebiri egiweebwamu ekigero kya Zakat eky'enjawulo. Eky'okulabirako: Tukirabye nti okuva ku ngamiya ttaano okutuuka ku ngamiya mwenda, muweebwamu embuzi emu. Bwe ziwera engamiya kkumi, awo muweebwamu embuzi bbiri. Al waqsu, gye miwendo egiri wakati w'ettaano ne kkumi. Wano giri: 6, 7, 8, 9.

Emiwendo egyo tegiweebwamu Zakat. Wabula gigoberera kigero kya Zakat ekiweebwa mu muwendo ogw'etteeka oguli wansi waagyo. Mu kyokulabirako kino, omuwendo ogw'etteeka oguli wansi w'emiwendo egyo ze ngamiya ttaano. Ziweebwamu embuzi emu. N'emiwendo egyeyongerako (6, 7, 8, 9) giweebwamu embuzi emu yokka okutuusa nga engamiya ziweze omuwendo ogw'etteeka omulala nga gwe kkumi. Bwe ziwera kkumi, awo ziweebwamu embuzi bbiri.

Okuva ku mbuzi 40 okutuuka ku mbuzi 120 muweebwamu embuzi emu. Kitegeeza nti okuva ku mbuzi 41 okutuuka ku 120 temuweebwamu kigero kya Zakat kipya. Wabula emiwendo egiri wakati awo (41, 42, 43, …..50, 60, 70, 80, 90, 100, 115, 120) gyonna egyo n'egiri wakati waagyo giweebwamu embuzi emu eweebwa mu muwendo ogw'etteeka oguli wansi waagyo. Omuwendo ogwo ye 40. Muweebwamu embuzi emu.

Bwe ziwera 121 awo nga ziweebwamu embuzi bbiri. Kubanga ziba ziweze omuwendo ogw'etteeka oguddako. Ente 30 ziweebwamu ennyana emu. Eyo y'eweebwa mu miwendo egyeyongera ku 30 okutuusa lwe ziwera ente 40 awo ennyana n'erekebwa ne ziweebwamu ente ewezezza emyaka ebiri. Sheikh Muhammad Bun Swaleh Al Uthaimeen yagamba nti:

**والوَقْصُ هُوَ: مَا بَيْنَ الفَرْضَيْنِ، لَيْسَ فِيْهِ شَيْءٌ، فَبَيْنَ خَمْسٍ وَعِشْرِيْنَ وَسِتِ وَثَلَاثِيْنَ "عَشْرٌ" لَيْسَ فِيْهَا شَيْءٌ، وَذَلِكَ رِفْقاً بِالمالِكِ**

**(الشرح الممتع، لابن عثيمين رحمه الله. 6\63)**

***Al waqsu*, gye miwendo egibeera wakati w'emiwendo ebiri egy'etteeka. Tegiweebwamu Zakat. Eky'okulabirako: Wakati w'engamiya 25 n'engamiya 36 waliwo engamiya 10. Teziweebwamu Zakat. Ekyo Allah yakikola olw'okusaasira nnyini nsolo ezo n'okumuwa obwangu.**

## EBITENDO BY'ENSOLO EWEEBWAYO

## (صِفاتُ ما يُخرَجَ في الزَّكَاة)

Omubaka Muhammad ﷺ, yagaana omukunganya wa Zakat okuggya mu mmaali y'abantu ensolo erowoozeebwa nti nannyini yo agyagala nnyo olw'endabika yaayo, oba olw'obunene bwayo, oba olw'ebitendo byayo ebirala. Mu ngeri y'emu n'agaana nannyini nsolo okuwaayo ensolo erabika obubi olw'obulwadde, oba olw'obukadde, oba ennema, n'ebitendo ebirala ebikendeevu.

N'alagira ensolo eweebwayo ebeere wakati w'embeera ezo ebbiri: Ssi nnene nnyo esinga mu kisibo eri ku mutima gwa nannyini mmaali, ate ssi nkovvu erabika obubi olw'obulwadde, oba obukadde, n'ebitendo eby'obukendeevu ebirala. Kyokka nannyini mmaali bw'ayagala okuwayo ensolo ye gy'ayagala ennyo olw'ebitendo byayo ebirungi, waddembe okukikola era akifunamu empeera nnyingi ddala.

Omubaka ﷺ, era n'agaana okuggya ku mulunzi ensolo ey'eggwako, wadde eyakazaala eyonsa. Kubanga ey'eggwako ekosa nannyini mmaali, ate eyakazaala ekosa omwana gwayo oguyonka. Obujulizi ku nsonga ezo bungi nnyo. Obumu ku bwo, kye kigambo ky'owekitiibwa Allah ﷻ:

﴿وَلَا تَيَمَّمُواْ ٱلۡخَبِيثَ مِنۡهُ تُنفِقُونَ ٢٦٧﴾ [سورة البقرة]

## Temulondaba mu mmaali ebibi, ne muba nga bye muwa (nga Zakat)

Ne Hadiith eva ku Abdullahi Ibn Mu'aawiya Al Gaadhiriy رضي الله عنه, era nga erimu n'obujulizi ku nsonga gye tulabye nti Zakat y'ensolo eweebwa buli mwaka, atunyumiza nti: Omubaka Muhammad ﷺ yagamba nti:

«ثَلاَثٌ مَنْ فَعَلَهُنَّ فَقَدْ طَعِمَ طَعْمَ الإِيمَانِ مَنْ عَبَدَ اللَّهَ وَحْدَهُ وَأَنَّهُ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللَّهُ وَأَعْطَى زَكَاةَ مَالِهِ طَيِّبَةً بِهَا نَفْسُهُ رَافِدَةً عَلَيْهِ كُلَّ عَامٍ وَلاَ يُعْطِى الْهَرِمَةَ وَلاَ الدَّرِنَةَ وَلاَ الْمَرِيضَةَ وَلاَ الشَّرَطَ اللَّئِيمَةَ وَلَكِنْ مِنْ وَسَطِ أَمْوَالِكُمْ فَإِنَّ اللَّهَ لَمْ يَسْأَلْكُمْ خَيْرَهُ وَلَمْ يَأْمُرْكُمْ بِشَرِّهِ»

(رواه أبو داود من حديث عبد الله بن معاوية الغاضري، وصححه الألباني في الصحيحة)

**Ebintu bisatu, omuntu abikola aba akombye ku buwoomerevu bw'obukkiriza: Omuntu asinza Allah yekka ng'akakasiza ddala nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako ye. N'awa Zakat mu mmaali ye buli mwaka kyeyagalire. N'atawa (nsolo) nkadde wadde erina obulwadde bw'olususu, wadde endwadde munda, wadde erabika obubi. Wabula n'awa mu mmaali ye eya wakati. Kubanga mazima ddala Allah tabalagirangako kuwa mmaali yammwe esinga obulungi, wadde okuwa embi.**

Ne mu kubuulirira Omubaka Muhammad ﷺ kwe yabuulirira Mu'aadh Ibn Jabal ﷺ bwe yali amutuma e Yemen okuba omukulembeze waayo, yamugamba mu Hadiith etunyumizibwa Abdullahi Ibn Abbas رَضِيَ ٱللَّهُ عَنْهُمَا nti:

فَإِيَّاكَ وَكَرَائِمَ أَمْوَالِهِمْ (متفق عليه)

**Nkwekesa okulondamu emmaali esinga obulungi mu mmaali yaabwe.**

## OKUGATTA ENSOLO N'OKUZAAWULA

(مَسْأَلَةُ الخُلْطَةِ)

Kikulu nnyo era okumanya nti, abantu ab'enjawulo bwe bagatta ensolo zaabwe, ne ziba nga zisula wamu, zifulumira wamu okugenda ku ttale, zikamirwa wamu, ziriira wamu, zirinnyirwa ennume emu, ensolo ezo ezigattiddwa ne ziwera niswab, ziramulwa ng'ezomuntu omu. Era ziweebwamu Zakat wadde nga buli omu omugabo gwe mu nsolo ezo ezigattidwa teguweza niswab – okuggyako ng'omu kubo tali mw'abo abakakatibwako Zakat, ng'okuba nti mukaafiiri.

***Eky'okulabirako:*** Singa abasajja Abasiraamu basatu buli omu aba n'ente 10, nga baazigatta ne ziwera 30, nga zisula wamu, ziriira wamu, zikamirwa wamu, ente ezo zibalibwa ng'ezomuntu omu mu kuziwaamu Zakat. Era ziweebwamu Zakat ya nnyana ey'omwaka gumu. Kubanga ziba ziwezezza niswab gye twalabye nti eba ya nte 30. Bonna beegatta mu kuwaayo ennyana eyo kyenkanyi.

Ate singa omu ku beegassi abo abasatu aba mukaafiiri, oba ng'ente ezo buli mugabo nyini gwo agusuza wuwe, oba nga ne bwe zigattibwa teziwera niswab, awo teziweebwamu Zakat. Obujulizi bw'ensoga ezo, ye Hadiith ya Anas eva ku Abu Bakar Asswiddiiq ﵁. Omubaka Muhammad ﷺ yagamba nti:

وَلَا يُجْمَعُ بَيْنَ مُتَفَرِّقٍ وَلَا يُفَرَّقُ بَيْنَ مُجْتَمِعٍ خَشْيَةَ الصَّدَقَةِ وَمَا كَانَ مِنْ خَلِيطَيْنِ فَإِنَّهُمَا يَتَرَاجَعَانِ بَيْنَهُمَا بِالسَّوِيَّةِ (متفق عليه)

**Ensolo ez'ebisibo eby'enjawulo tezigattibwa, wadde okwawula ensolo ezibeera awamu olw'okwewala okuwa Zakat. Bombiriri Zakat eyo bagiwa kyenkanyi**

Nabbi ﷺ ky'atwewaza mu Hadiith eno, bwe bukuluppya mu kwewogoma okuwa Zakat. Obukuluppya busobola okukolebwa mu ngeri y'okugatta ensolo ezitabadde ngatte, oba okwawula ezibadde engatte. Eky'okulabirako ky'akakodyo k'okuzigatta:

Twakirabye nti mu mbuzi 40 muweebwamu embuzi emu. Ne tukiraba nti okuva ku mbuzi 40 okutuusa ku mbuzi 120 muweebwamu embuzi emu yokka.

Kati singa abaalunzi basatu abataagala kuwa Zakat bamanya nti abakungaanya Zakat bajja, nga buli mulunzi kw'abo abasatu alina embuzi 40, ne beekobaana bonna bagatte embuzi zaabwe mu kisibo ky'omu kubo, akungaanya Zakat bw'ajja ajja kusanga embuzi 120 aziggyemu embuzi emu. So nga singa tebaakoze lukujjukujju, buli omu yaaliwadde embuzi emu mu mbuzi ze 40 ne baba nga bawadde embuzi ssatu mu kifo ky'emu.

Ate akakodyo k'okuzaawula Nabbi ﷺ k'agaanye, kwe kuba ng'abalunzi babiri oba basatu balina ensolo entobeke ezisula awamu, ezirundirwa awamu. Twakirabye nti ensolo ezo zibalibwa nga ez'omuntu omu mu kuweebwamu Zakat.

Kati bwe bamanya nti akungaanya Zakat mu balunzi agenda kujja, nga buli omu atwala ensolo ze ewuwe. Omubaka bw'agenda ewooli asanga ensolo ze teziwera niswab, n'ezooli, n'ezooli nga teziwera niswab. Nga agenda nga tabaggyeko Zakat.

Olw'ensonga eyo Nabbi ﷺ yagaana okugatta ensolo oba okuzaawula mu kiseera ky'okuwa Zakat olw'okwewogoma Zakat. Nabbi ﷺ n'alamula nti Zakat eba eggyiddwa mu nsolo engatte, buli alina omugabo ku nsolo ezo, awa percentage okusinziira ku bungi bw'ensolo ze.

Bwe baba ababiri, ensolo zaabwe ne ziggyibwamu Zakat ya mbuzi emu, ng'eggyibwa mu mugabo gw'omu ku babiri, munne amusasula ekyenkana half y'embuzi bwe baba nga bonna balina omuwendo ogwenkana. Bwe guba nga tegwenkana, alina ennamba esinga y'awaayo ekisinga obunene ku mbuzi etwaliddwa nga Zakat.

Wabula kimanye nti, Zakat mu mmali engatte ekakata mu nsolo zokka. Tekakata mu mmaali endala esigadde. Singa abasuubuzi babiri bagatta sente ne bakola edduuka, wadde capital bw'omugatta edduuka liwera niswab, tebakakatibwako Zakat okutuusa nga buli mugabo gwa buli omu guwera niswab. Oba nga omu kubo omugabo gwe guwera niswab, awo Zakat n'ekakata kw'oyo yekka aweza niswab mu mugabo gwe.

## OKUKWANGUYIZA EMPA YA ZAKAT MU NSOLO

(تسهيل إخراج الزكاة في بهيمة الأنعام)

Olw'okukwanguyiza okuwa Zakat mu nsolo, weetegereze wansi wano olabe engeri gy'oteekeddwa okuwaamu Zakat mu nsolo zo:

## ENDIGA N'EMBUZI

(الضأن والمعز)

Bw'oba olina mbuzi, manya nti okuva ku mbuzi emu okutuuka ku mbuzi 39 teziweebwamu Zakat. Kubanga ziba tezinnaweza niswab. Bwe ziwera embuzi 40, manya nti ziba ziwezezza niswab. Singa ziyitako omwaka mulamba okuva olunaku lwe zaawera 40, nga zikyawera 40 n'okudda waggulu, oteekeddwa okuziwaamu Zakat ya embuzi emu.

Wabula singa omwaka guziyitako nga tezikyawera 40, ng'okuba nti zaalumbibwa obulwadde ezimu ne zifa, oba nga wazirya n'abantu bo, oba olw'ensonga endala yonna, awo ziba tezikakata kuweebwamu Zakat kubanga omwaka gugenze okuziyitako nga tezikyawera niswab.

Ate bw'ozibala nga zikyawera niswab oba nga zeeyongeddeko ziweze 45 oba 50 oba 55 oba 60, manya nti oteekeddwa okuziwaamu embuzi emu amangu ddala ng'omwaka

gwakaziyitako. Bw'omala okuwa Zakat, era ddamu obale omwaka omulala okuva omwaka ogusoose okuziyitako we gwaweredde.

Omwaka omulala bwe guyitawo, ddamu obale embuzi zo. Bw'ozisanga zikyawera 40 oba 65 oba 70 oba 80 oba 90 oba 100 oba 110 oba omuwendo gwonna oguli wakati wa 40 ne 120, era manya nti okyakakatibwako kuwa mbuzi emu yokka. Ne bw'olundira emyaka ataano, tokakatibwako Zakat esukka mbuzi emu mu muwendo gw'embuzi ogutasukka 120.

Ddamu obale omwaka omulala okuva ogw'emabega we gwaweredde, bwe guggwako ng'oddamu obala embuzi zo. Bw'ozisanga ziweze 121 okudda waggulu obutasukka 200, manya nti awo okakatibwako okuwa Zakat ya mbuzi bbiri zokka. Ne bw'olundira emyaka ataano, tokakatibwako Zakat esukka mbuzi bbiri mu muwendo oguli wakati wa 121 ne 200.

Bwe ziwera embuzi 201 obutasukka mbuzi 300, ng'omanya nti okakatibwako okuwa embuzi ssatu. Okuva ku 300 okudda waggulu, manya nti mu buli mbuzi 100 ekyeyongerako owaamu embuzi emu yokka. Mu mbuzi 400 owaamu embuzi 4. Mu 500 embuzi 5. Bala bw'otyo okutuuka omuwendo gwe'mbuzi zo gye gukoma.

## ENTE

**(البقر)**

Bwe ziba nte, manya nti okuva ku nte emu okutuuka ku nte 29 teziweebwamu Zakat. Kubanga ziba tezinnawera niswab. Bwe ziwera ente 30, manya nti ziweze niswab. Bala omwaka okuva lwe ziweze 30 bwe guggwako oddemu ozibale. Bwe ziba tezikyawera asatu olw'ensonga yonna ng'ezo ze tulabye ku mbuzi, manya nti tolina kuziwaamu Zakat. Kubanga zigenze okuyitako omwaka nga tezikyawera niswab.

Ate bw'ozibala oluvannyuma lw'okuyitako omwaka okuva lwe zaawera 30, n'ozisanga nga zikyawera 30, okudda waggulu obutasukka 39, manya nti olina okuziwaamu ennyana enkazi oba ensajja ewezezza omwaka. Bwe ziba ziweze 40 okudda waggulu obutasukka 59, awo oziwaamu ente enkazi emu ey'emyaka ebiri (Musinna). Eteekeddwa kuba nkazi.

Ate okuva ku nte 60 okudda waggulu, manya nti mu buli nte 30 owaamu ennyana emu (enkazi oba ensajja) ey'omwaka. Ate mu buli nte 40 n'owaamu ente enkazi emu ey'emyaka ebiri. Buli lwe wayitawo omwaka, ng'oddamu obala omuwendo gw'ente z'olina ng'oziwaamu Zakat okusinziira ku kigero kya Zakat ekiweebwa mu miwendo gy'ente egy'enjawulo, nga bwe twakulaze emabega.

## EMBUZI N'ENDIGA

| EMIWENDO GY'EMBUZI OBA ENDIGA | EKIWEEBWAMU |
|---|---|
| 1 - 39 | Teziweebwamu Zakat, kubanga teziwera niswab |
| 40 – 120 | Mbuzi emu |
| 121 – 200 | Mbuzi bbiri |
| 201 – 300 | Mbuzi ssatu |
| Bwe zisukka 300 | Awo mu buli 100 owaamu embuzi emu. 400 owaamu 4. Mu 500 owaamu 5. Mu 600 owaamu 6. Bw'otyo bw'okola okutuusa omuwendo gw'embuzi zo gye gukoma. |

## ENTE

| EMIWENDO GY'ENTE | EKIWEEBWAMU |
|---|---|
| 1 - 29 | Teziweebwamu Zakat, kubanga teziwera niswab |
| 30 – 39 | Ennyana enkazi oba ensajja ey'omwaka |
| 40 - 59 | Ente enkazi ey'emyaka ebiri |
| Bwe ziwera 60 n'okudda waggulu | Awo mu buli nte 30, owaamu ennyana emu ennume oba enkazi ey'omwaka. Ate mu buli nte 40, owaamu ente emu enkazi ey'emyaka ebiri nga bwe tukulaze waggulu. |

# ENGAMIYA

| EMIWENDO GY'ENGAMIYA | EKIWEEBWAMU |
|---|---|
| 1 - 4 | Teziweebwamu Zakat kubanga teziwera niswab |
| 5 – 9 | Mbuzi emu |
| 10 – 14 | Mbuzi biri |
| 15 – 19 | Mbuzi ssatu |
| 20 – 24 | Mbuzi nnya |
| 25 – 35 | Ngamiya enkazi ey'omwaka gumu |
| 36 – 45 | Ngamiya enkazi ey'emyaka ebiri |

| | |
|---|---|
| **46 – 60** | **Ngamiya enkazi ey'emyaka esatu** |
| **61 -75** | **Ngamiya enkazi ey'emyaka ena** |
| **76 – 90** | **Ngamiya ez'emyaka ebiri bbiri** |
| **91 – 120** | **Ngamiya enkazi ez'emyaka esatu bbiri** |
| **Bwe zisukka engamiya 120** | **Buli ngamiya ana, owaamu engamiya enkazi ey'emyaka ebiri. Ate buli ngamiya ataano, owaamu engamiya enkazi ey'emyaka esatu.** |

Mu bufunze, ebyo bye tusobodde okulaba ku mpa ya Zakat mu nsolo ezirundibwa. Nsaba Allah atwanguyize okumugondera, n'okumwenenyeza, atuwe enkomerero ennungi. Kati ka tulabe empa ya Zakat mu birime.

# ZAKAT Y'EBIRIME

## (زكاة المزروعات)

Omuteeko gw'emmaali ogwokuna mu mmaali ekakatamu Zakat, by'ebirime. Twakiraba nti Zakat ekakata mu mmaali ya miteeko ena: ***Ogusooka***, ye gold ne silver n'ensimbi enkalu. ***Ogwokubiri***, ye mmaali y'ebyobusuubuzi. ***Ogwokusatu***: ze nsolo ezirundibwa. ***Ogwokuna***, bye birime. Zakat teggyibwa mu mmaali yonna etali emiteeko egyo ena.

Emiteeko ebiri egisooka gisome mu kitabo ekitongole ekyawandiikibwa kugyo. Kiyitibwa: ***Empa ya Zakat mu sente enkalu n'ebyobusuubuzi***. Mu kitabo kino tulaba emiteeko ebiri: Ensolo ezirundibwa, n'ebirime. Obujulizi bungi nnyo mu Qur'aan ey'ekitiibwa ne mu Sunnat z'omubaka Muhammad ﷺ obulaga obw'etteeka bw'okuwa Zakat mu birime. Yagamba ow'ekitiibwa Allah ﷻ nti:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْ أَنفِقُواْ مِن طَيِّبَٰتِ مَا كَسَبۡتُمۡ وَمِمَّآ أَخۡرَجۡنَا لَكُم مِّنَ ٱلۡأَرۡضِۖ ٢٦٧﴾ [سورة البقرة]

**Abange mmwe Abakkiriza! Muwe (Zakat) mu birungi bye mufunye ne mw'ebyo bye tubaggyidde mu ttaka**

N'agamba ow'ekitiibwa Allah ﷻ nti:

﴿كُلُوا مِن ثَمَرِهِ إِذَا أَثْمَرَ وَءَاتُوا حَقَّهُ يَوْمَ حَصَادِهِ ۝١٤١﴾

[سورة الأنعام]

**Mulye mu bibala byabyo bwe biba bibaze, era mubiweemu omugabo gwabyo (Zakat) olunaku lwe bikungulwa**

Omubaka Muhammad ﷺ, mu Hadiith eva ku Abu Sa'eed Al-Khuduri رضي الله عنه, yagamba nti:

فِيمَا سَقَتْ السَّمَاءُ وَالْعُيُونُ أَوْ كَانَ عَثَرِيًّا الْعُشْرُ

(رواه البخاري)

**(Ebirime) ebifukirirwa enkuba oba ensulo bikakatibwamu Zakat ya kimu eky'ekkumi**

## EBIRIME EBIWEEBWAMU ZAKAT

## (الأَصْنافُ التي تخرَجُ مِنهَا الزَّكَاة)

Oluvannyuma lw'okumanya nti ebirime biweebwamu Zakat, kikulu mu kifo kino okumanya nti ssi buli kirime nti kiweebwamu Zakat. Ebirime ebiweebwamu Zakat, by'ebyo byokka ebigwa mu kiti ky'ensigo nga kasooli, oba ebibala nga entende, ng'ebirime ebyo birina ebitendo bibiri:

***Ekisooka***: Ebisobola okupimibwa mu bipimu ebitali bya minzaani; nga emikebe, ebibbo, ebisero, endebe. ***Ekyokubiri***: Ebisobola okuterekebwa okumala ekiseera ekiwera. Okutereka okwogerwako wano, kwe kutereka okw'obutonde okubaddewo emirembe gyonna. Okutereka eby'okulya okw'okubinnyogoza (refrigeration), oba okwa ***Artificial Preservatives***, okwo tekukakasa Zakat mu kirime bwe kitaba mw'ebyo bisobola kuterekebwa ntereka ya butonde. Sheikh Ibn Uthaimeen yagamba nti:

**الادِّخَارُ الصِّنَاعِيُّ الذِيْ يَكُوْنُ بِوَسَائِلِ الحِفْظِ التي تُضَافُ إِلَى الثِّمَارِ بِوَاسِطَةِ آلاتِ التَّبْرِيْدِ لا يَتَحَقَّقُ به شَرْطُ الادِّخَارِ** (الشرح الممتع، **74/6**)

**Amakubo g'okutereka agatali ga butonde, ag'okukozesa ebyuma ebinnyogoza okukuuma ebibala ekiseera ekiwanvu, tegayimirizaawo kakwakkulizo ka kutereka.**

Ebitapimwa ng'ebikajjo tebiweebwamu Zakat. Ebitasobola kuterekebwa kiseera kiwanvu ng'emiyembe tebiweebwamu Zakat.

Ebiterekebwa naye nga si nsigo, wadde okuba ebibala, nga omudalasiini tebiweebwamu Zakat. Imaam Ibn Qudaamah Al Maqdisi mu kitabo kye Al Mugni yagamba nti:

وَلَا تَجِبُ فِيمَا لَيْسَ بِحَبٍّ وَلَا ثَمَرٍ، سَوَاءٌ وُجِدَ فِيهِ الْكَيْلُ وَالِادِّخَارُ أَوْ لَمْ يُوجَدْ،

فَلَا تَجِبُ فِي وَرَقٍ مِثْلِ وَرَقِ السِّدْرِ (المغني، 288/5)

**Zakat tekakata mu kirime kyonna ekitali mpeke wadde okuba ekibala. Ekirime ekyo ne bwe kiba n'ekitendo ky'okupimwa n'okuterekebwa oba nga tekibirina. Eky'okulabirako bye bikoola bya sidiri, tebiweebwamu Zakat.**

Sheikh Muhammad Bun Swaleh Al Uthaimeen yagamba nti:

وَالخُلَاصَة أَنَّ الحُبُوْبَ وَالثِّمَارَ تَجِبُ فِيْهَا الزَّكَاةُ، بِشَرْطِ أَنْ تَكُوْنَ مَكِيْلَةَ

مُدَّخَرَة، فَإِنْ لَمْ تَكُنْ كَذَلِكَ، فَلَا زَكَاةَ فِيْهَا (الشرح الممتع 73/6)

**Mu bufunze, empeke n'ebibala biweebwamu Zakat ku kakwakkulizo k'okuba nti biri mw'ebyo ebisobola okupimibwa n'okuterekebwa. Bwe bitaba bwe bityo, tebiweebwamu Zakat**

Obujulizi bw'okukomeka ebirime bino ku birime eby'empeke n'ebibala, ye Hadiith y'omubaka Muhammad ﷺ, eva ku Abu Sa'eed Al Khudri رضي الله عنه. Yagamba ﷺ nti:

{لَا زَكَاةَ فِي حَبٍّ وَلَا ثَمَرٍ حَتَّى يَبْلُغَ خَمْسَةَ أَوْسُقٍ}

(رواه أحمد، وقال الشيخ شعيب الأرناؤوط: إسناده صحيح على شرط الشيخين)

## Zakat tekakata mu mpeke wadde ekibala okutuusa nga kiwera wasaq ttaanu

Bwe twetegereza ebirime ebirina ebitendo ebyo ebibiri wano mu Uganda, tulaba nga ebirime ebyo byonna bya mpeke, nga: kasooli, ebijanjaalo, ebinyebwa, kawo, omukyere, emmwanyi, obulo, simsim, soya, omuwemba, empindi n'ebirala ebigwa mu kiti ekyo.

Ebirime ebitapimibwa oba ebitasobola kuterekebwa okumala, ekiseera ekiwanvu ng'ensujju, ffene, ennaanansi, ebikajjo, endaggu, muwogo, amatooke, amayuuni, obummonde, amapaapaali, oba enva endiirwa; ng'obutungulu, doodo, entula, ennyanya, n'ebirala, tebiweebwamu Zakat.

Ebikoola, n'ebimuli, n'ebikuta ebikazibwa ne bigasa ekiseera ekiwanvu nabyo tebiweebwamu Zakat. Amajaani, vanilla, omudalasiini, pamba, ebyo byonna tebiweebwamu Zakat. Olw'ensonga nti, ssi nsigo wadde okuba ebibala. Imaam Ahmad Bun Hambal yagamba nti:

لَيْسَ فِي الْقُطْنِ شَيْءٌ (الشرح الممتع 73/6)

## Pamba taweebwamu Zakat

## OBUKWAKKULIZO BW'OKUWA ZAKAT MU BIRIME

## (شروط وجوب الزكاة في المزروعات)

Zakat ekakata mu birime ku bukwakkulizo bubiri: ***Akasooka***, kwe kuba ng'ebirime ebyo biweze niswab. Tuzze tukiraba okuva emabega nti niswab ky'ekigero ky'emmaali omuntu ky'ateekeddwa okuba nakyo alyoke akakatibweko okuwa Zakat mu mmaali eyo. Niswab y'ebirime ogenda kugiraba mu bugazi.

***Akakwakkulizo ak'okubiri***, kwe kuba ng'ebirime ebyo we bikakatidde okuweebwamu Zakat, bibadde bibyo nga ggwe obirinako obwa nannyini. Akakwakkulizo kano kakulu nnyo, keetegereze bulungi, kubanga kazimbirwako ennamula ez'enjawulo nga bw'ogenda okulaba.

Ekiseera we bikakatira okuweebwamu Zakat, bwe biba bibala ng'entende, kye kiseera we bikyusiza langi eya kiragala ne bireeta langi emmyufu oba eya kyenvu. Emmwanyi ku nsonga eno ziringa bibala. Ate mu birime eby'empeke nga kasooli oba ebijanjaalo n'ebirala, kyekiseera empeke we zikalubira ng'ebirime bitandise okukala. Sheikhul Islam Ibn Taymiyyah yagamba nti:

فَأَمَّا إِذَا اشْتَدَّ الْحَبُّ وَبَدَا صَلَاحُ الثَّمَرَةِ وَجَبَتْ الزَّكَاة

(مجموع الفتاوى **47/6**)

**Empeke bw'ekaluba, bwe kiba kibala ne kitandika okwengera, Zakat eba ekakase**

Ne Sheikh Muhammad Al Uthaimeen yagamba nti:

فَوَقْتُ الوُجُوْبِ: "إِذا اشْتَدَّ الحَبُّ" أَيْ: قَوِيَ الحَبُّ، وَصَارَ شَدِيْداً
لَا يَنْضَغْطُ بِضَغْطِهِ (الشرح الممتع 80/6)

**Ekiseera Zakat weekakatira mu birime, kyekyo empeke w'ekalubira n'eba nga aginyiga tasobola kugyabya**

Singa omuntu atunda omusiri gwa kasooli nga tannatandika kukala, Zakat ekakata kw'ono aguze omusiri singa gutandika okukala nga y'agulina. Kubanga abeera nannyini musiri mu kiseera Zakat weekakatira yakakatibwako Zakat. Ate singa omuntu agula omusiri gwa kasooli ogutandise okukala, takakatibwako kuguwaamu Zakat, wabula Zakat ekakata kw'oyo agumuguzizza kubanga yabadde nannyini musiri mu kiseera Zakat w'ekakatidde.

Singa omuntu asaanyawo omusiri gwa kasooli nga kasooli tannatandika kukala, oba namutunda nga mubisi tannatandika kukala, oba nabbibwa, oba omuyaga oba omuliro ne gumusaanyawo nga tannatandika kukala, nyini musiri takakatibwako Zakat. Kubanga ebyo byonna bibaddewo nga kasooli oyo tannakakatibwamu Zakat.

Singa omuntu agenda mu kibira ekitalina akifuga oba olusaalu oba mu nsozi n'akunganyayo ebirime ebiweza niswab, era takakatibwako kubiwaamu Zakat y'ebirime. Olw'okuba ebirime ebyo tebirina bwa nannyini bumweyawulidde. ***Allajna Addaa'imat***, olukiiko lw'abamanyi olw'ekitiibwa lwagamba nti:

تَجِبُ الزَّكَاةُ فِي الحُبُوْبِ وَالثِّمَارِ بِشَرْطَيْنِ: أَحَدُهُمَا: أَنْ تَبْلُغَ نِصَابًا قَدْرُهُ بَعْدَ التَّصْفِيَةِ فِي الحُبُوْبِ وَالجَفَافِ فِي الثِّمَارِ خَمْسَةُ أَوْسُقٍ. وَالثَّانِي: أَنْ يَكُوْنَ النِّصَابُ مَمْلُوْكًا لَهُ وَقْتَ الوُجُوْبِ (فتاوى اللجنة الدائمة، 248/11)

**Zakat ekakata mu kirime eky'empeke n'ebibala ku bukwakkulizo bubiri: *Akasooka*, okuba nga kiwera niswab. Niswab ye wasaq ttaano oluvannyuma lw'okukiggya mu bikuta byakyo n'okukironda. Bwe biba bibala ng'entende, okuba nga biwera niswab oluvannyuma lw'okukala. *Akokubiri*: okuba nti akakatibwako Zakat y'oyo abadde nannyinibyo we byakakatidde okuweebwamu Zakat**

Bwe weetegereza ebigambo by'abamanyi ebyo, okiraba nti okukakata kwa Zakat mu kirime kulimu emiteeko ebiri: ***Ogusooka***: Kubaawo nga ekirime tekinnakungulwa. Bwe kitandika okukala kiba kikakaseemu Zakat. Fatuwa ya Ibn Taymiyyah ne Ibn Uthaimeen z'olabye emabega ziri ku muteeko ogwo.

Kyokka ekibala ekyo ekituuse ku kiseera ekikikakasaamu Zakat, kisobola okuba nga bwe kinaakungulwa kijja kuba tekiwera niswab. Wano ***omuteeko ogwokubiri*** we gujjira: Okuba nga kikunguddwa, ne kyanikibwa, ne kiggyibwa mu bikuta, ne kirondebwa, ne kipimibwa, ne kikakasibwa nti kiweza niswab Nabbi ﷺ gye yalamula nti ziba wasaq ttaano. Mu kiseera ekyo nyinikyo akakatibwako okuwaayo Zakat nga talindirizza. Weetegereze fatuwa ya ***Allajna Addaa'imat*** eno ekwawulire wakati w'obw'etteeka obw'emirundi ebiri:

وَإِذَا اشْتَدَّ الحَبُّ وَبَدَا الصَّلَاحُ فِي الثَّمَرِ وَجَبَتْ الزَّكَاةُ، وَلَا يَسْتَقِرُّ الوُجُوْبُ إِلَّا بِجَعْلِهَا فِي الجَرِيْنِ

(فتاوى اللجنة الدائمة للبحوث العلمية والإفتاء، 176/9)

**Ekirime eky'empeke bwe kitandika okukala, bwe kiba kibala ne kitandika okuleeta kkala emmyufu oba eya kyenvu, Zakat eba ekakase mu kirime ekyo. Wabula obw'etteeka bw'okukiggyamu Zakat tebukakata okutuusa nga kikunguddwa ne kiteekebwa mu *Jariin*, ekifo we kisunsulibwa ne kirongoosebwa**

## NISWAB Y'EBIRIME

(نصاب الحبوب والثمار)

Yagamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith eva ku Abu Sa'eed Al-Khudri رضي الله عنه nti:

«لَيْسَ فِيمَا أَقَلُّ مِنْ خَمْسَةِ أَوْسُقٍ صَدَقَةٌ» (متفق عليه)

### Ebirime eby'empeke oba entende ebitaweza 'wasaq' ttaano tebiweebwamu Zakat

Wasaq emu yenkana swaa' nkaaga. Buli swaa' emu yenkana embatu nnya ezijjudde obulungi nga buli lubatu oyoozesezza emikono ebiri. Weetegereze wansi onnyonnyoke bulungi:

Bw'oba olina ekirime ekiweebwamu Zakat nga bwe tukikunnyonnyodde waggulu, kakasa nti kikaze bulungi bwe kiba kya mpeke. Bw'omala gatta ebibatu by'emikono gyo ebiri oyoole okakase nti ebibatu ebyo ebigattidwa bijjudde bulungi. Yoola emirundi ena. Embatu ezo ennya ezijjudde obulungi ze ziyitibwa swaa'. Tukirabye nti swaa' 60 ze zikola wasaq emu. N'olwekyo yoola enjoola nnya emirundi 60 osobole okuweza ekiyitibwa wasaq.

Bw'omala okufuna wasaq, teweerabira nti Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith gy'olaba waggulu, yagamba nti ebirime ebitaweza wasaq ttaano tebiweebwamu Zakat. N'olwekyo, wasaq gy'ofunye gikubiseemu emirundi etaano. Ojja kufuna embatu nnya emurundi 300, oba kiyite swaa' 300. Eyo ye niswab y'ekirime ekyo.

Zipime ku minzaani olw'okwanguyirwa, kilo z'onaafuna omanye nti ze kilo z'oteekeddwa okuwangamu Zakat mu kirime ekyo, era eyo ye niswab yaakyo. Bw'oba toziweza tokakatibwako Zakat. Eyo y'engeri niswab y'ebirime gy'ebalwamu.

## NISWAB MU KKIRO

(نصابُ الزرْع بالكيْلو)

Wabula abamanyi b'obusiraamu baatunuulira enkola eyo gye tulabye, ne balaba nga eyinza okukaluubiriza omulimi. Ne basalawo okwanguyiriza omulimi nga bamutuusa butereevu ku niswab y'ebirime. Baapima ebirime eby'enjawulo ne beetegereza obuzito bwabyo. Abamu ne balaba nti omulimi okuba safe obulungi, Swa' ya buli kirime agibalire ku buzito bwa kkiro 3. Era eyo ye ndaba y'olukiiko lw'abamanyi olwa ***Allajna Addaa'imat***.

Sheikh Muhammad Bun Swaleh Al Uthaimeen ye alaba nti Swa' emu yenkana kkiro bbiri ne grams ana (2.04) kg. Abalaba nti Swa' ezitowa kkiro 3, balaba nti niswab y'ebirime ziba kkiro 900. Ate abalaba nti ziba kkiro bbiri ne grams 40 balaba nti niswab y'ebirime ziba kkiro 612. Okwawukana okwo kwava ku nsonga ez'enjawulo ze tutasobola kugaziya wano olw'okutya okugaziya ekitabo kino.

Ba mashaikh ba Uganda baatambulira wakati w'ebigambo ebyo ebibiri, ne babalira swa' emu ku kkiro bbiri n'ekitundu. Okwo era kwe balamulira Zakaatufitir ku buli muntu, nti akakatibwako okuwa kkiro bbiri n'ekitundu.

Kkiro bbiri n'ekitundu bw'ozikubisa mu Swa' 300, ezikola wasaq ettaano, ofuna kkiro 750. N'olwekyo, ekirime ky'omuntu kyonna ekiweebwamu Zakat, bwe kiweza kkiro 750, kiba kikakase okuweebwamu Zakat. Akungula ekirime nga tekiweza kkiro ezo, takakatibwako kuwa Zakat.

## EKIGERO KYA ZAKAT EKIWEEBWA MU BIRIME

## (القَدْرُ الوَاجِبُ إِخْرَاجُه)

Bw'omala okukungula ekirime kyo ekiwera niswab, gye tulabye nti ziba kkiro 750, manya nti kya tteeka gyoli okukiwaamu Zakat. Ekigero kya Zakat ekiweebwa omwetaavu, Nabbi ﷺ yakinnyonnyola mu Hadiith eva ku Ibn Umar bwe yagamba nti:

فِيمَا سَقَتْ السَّمَاءُ وَالْعُيُونُ أَوْ كَانَ عَثَرِيًّا الْعُشْرُ وَمَا سُقِيَ بِالنَّضْحِ نِصْفُ الْعُشْرِ (رواه البخاري)

**(Ebirime) ebifukirirwa enkuba, oba ensulo, oba emiti egyenoonyeza amazzi, bikakata okuweebwamu Zakat ya kimu eky'ekkumi. Ate ebifukirirwa obufukirirwa n'ensolo oba n'amaanyi, mukakatamu Zakat ya kitundu kya kimu eky'ekkumi**

Amakulu ga Hadiith eno gali nti, bwe biba ng'ebirime byo bifukirirwa nkuba, oba nga birimibwa mu ntobazi, oba ensaalu omuba amazzi ag'ensulo, oba nga wabirima kumpi n'omugga

ogukulukuta, nga wagutemako obukutu obubitwalira amazzi, ekirime kyo bwe kiweza niswab eya swa' 300 oba kkiro 750, kiba kikakase okuweebwamu Zakat ya kimu eky'ekkumi (10%).

***Eky'okulabirako:*** Bw'okungula kkiro z'emmwanyi 800, kwata kilo 800 ozigabize mu 10, ojja kufuna kilo 80 ez'emmwanyi. Kiro ezo 80 ye Zakat ekukakatako okuwa mu kkiro 800. Bw'oba ne kilo 1500, oba ojja kuwa Zakat ya kiro 150. Bwe luba lukumi owa 100, bwe ziba kilo 3000 oba ojja kuwa Zakat ya kilo 300. Bw'otyo, okusinziira ku muwendo gwa kiro z'okungudde ezitakka wansi wa 750.

Ate singa ebirime byo ofukirira bifukirire n'amaanyi go, oba n'ensimbi, ng'okukozesa ebyuma ebikuba amazzi agabifukirira, awo oba okakatibwako kitundu kya kimu eky'ekkumi (a half of a tenth) ekyenkanankana 5%. Omubaka Muhammad ﷺ yagamba mu Hadiith eva ku Ibn Umar nti:

وَمَا سُقِيَ بِالنَّضْحِ نِصْفُ الْعُشْرِ (رواه البخاري)

## Ate ebifukirirwa obufukirirwa n'ensolo oba n'amaanyi mukakatamu Zakat ya kitundu kya kimu eky'ekkumi

Kino kiteegeza nti, ku ky'okulabirako kye tulabye waggulu eky'emmwanyi, omuntu bw'aba ng'emmwanyi ze zifukirirwa nkuba, mu kilo 1000 awaamu Zakat ya kilo 100. Ate singa aba nga ye yennyini y'azifukirira ne ***watering can***, oba n'ensimbi ze, awo awa Zakat ya kilo 50 mu kilo 1000. Kubanga kilo 50 ky'ekitundu ky'ekimu eky'ekkumi ekya kilo 1000.

Ate singa ebirime ebyo, bisinga kufukirirwa nkuba, wadde nga oluusi enkuba ebula ne bifukirirwa n'amaanyi, era bibalibwa nga ebifukirirwa enkuba yokka, era biweebwamu 10%. Ate singa bifukirirwa n'amaanyi ebiseera ebisinga obungi, wadde nga oluusi enkuba etonnya abifukirira n'ayimirizaamu ekiseera, bibalibwa nga ebifukirirwa n'amaanyi gokka, era biweebwamu 5%.

Ate singa okufukirira, n'enkuba, byenkanankana, ekitundu ky'ekiseera ky'okukula kwabyo ekimu ne bikulira ku nkuba, ate ng'ekitundu ekirala bifukirirwa bufukirirwa, awo biweebwamu bisatu bya kuna ebya kimu eky'ekkumi (three quarters of a tenth) enzekana 7.5%.

***Eky'okulabirako:*** Singa osimba kasooli akulira emyezi ena, n'omusimba ng'ebula emyezi ebiri enkuba eggweyo, n'omufukirira emyezi ebiri okutuusa lw'omukungula, oba okakatibwako okumuwaamu Zakat ya 7.5%. Okufuna 7.5%, kwata kkiro z'okungudde ozikubiseemu 7.5, ansa gy'ofuna ogigabize mu 100. Bw'oba okungudde kilo 800 eky'okulabirako, oba okakatibwako okuwa kkiro 60.

**Mu bufunze**, embeera ziri mukaaga: ***Esooka***, okuba nga ebirime bikulidde ku nkuba yokka. Ebyo biweebwamu 10%. ***Eyokubiri***, okuba nga bikulidde ku kufukirirwa kwokka. Awo biweebwamu 5%. ***Eyokusatu***, okuba nga bisinze kukulira ku nkuba, awo biweebwamu 10%. ***Eyokuna***, okuba nga bisinze kukulira ku kufukirirwa. Awo biweebwamu 5%. ***Eyokutaano***, okuba nga enkuba n'okufukirira byenkanyenkanye. Awo biweebwamu 7.5%. ***Ey'omukaaga***, bw'aba tajjukira oba nga talina bumativu ku kiki

ekyasinga okukulirako ebirime, awo akakatibwako okubiwaamu 10%. ***Allajna Addaa'imat*** ku nsonga eno egamba nti:

فَإِنْ كَانَ يُسْقَى نِصْف السَّنَةِ بِهَذَا وَنِصْفهَا بِهَذَا فَفِيْهِ ثَلَاثَةُ أَرْبَاعِ العُشْرِ، وَإِنْ سُقْيَ بِأَحَدِهِمَا أَكْثَر مِنْ الآخَرِ اعْتُبِرَ الأَكْثَر، فَإِنْ جَهِلَ المِقْدَارَ وَجَبَ العُشْرُ

(فتاوى اللجنة الدائمة، **9/176**)

### Ebirime bwe biba nga okufukirira okw'enkuba n'okwamaanyi kwenkanankana, awaamu bisatu byakuna eby'ekimu eky'ekkumi (7.5%). Ate ekimu bwe kisinga ekirala, ekisinze kyekibalirwako Zakat. Bw'aba tamanyi kisinze ku kirala, awo asigala ku kikolo ky'okuwa 10%

Obujulizi bw'embeera zino essatu ezisembyeyo, ye Hadiith ya Ibn Umar eyo eri waggulu. Anti bw'ojeetegereza obulungi, amakulu gaayo ameeyolefu, n'ebyo ebitegeerebwa mu makulu ago, olaba embeera zino ennya ezisembyeyo nga ziyingira mu Hadiith eyo. Ayagala okugaziwa ku ensonga eno, soma ekitabo ekiyitibwa ***Al-Mugnie*** ekya Ibn Qudaamat, n'ebitabo bya fiqih ebirala bingi ojja kusangamu ensonga eno.

## EKITALI KUFUKIRIRA TEKITUNUULIRWA

**(العِبْرةِ بالسُّقيةِ فقط دُونَ سائِرِ التَّكاليف)**

Kimanye owange ggwe Omukkiriza nti, byonna omulimi by'ateeka mu musiri, omuli abapakasi, oba tractor, oba ebigimusa, oba abakuumi, oba ensigo, oba ekirala kyonna ky'ateekamu okusobola okufuna amakungula amalungi, tekikendeeza ku kigero kya Zakat emukakatako. Ekitunuulirwa ge mazzi gokka agakuliddeko ekirime ekyo.

Bwe kiba kikulidde ku mazzi ga nkuba gokka, oba nga kwe kisinze okukulira wadde nga wabaddewo n'okufukirira okutonotono, kiweebwamu 10%. Bwe kiba kikulidde ku mazzi ga watering can, oba mazzi ga luzzi agakubibwa motor n'egatuusa mu musiri, kiweebwamu 5%. Anti Nabbi ﷺ talina kyonna kye yatusomesa kikendeeza kigero kiweebwayo okuggyako okufukirira okutali kwa nkuba na nsulo.

## BW'OKUNGULA OWEERAWO ZAKAT

﴿وَءَاتُواْ حَقَّهُۥ يَوۡمَ حَصَادِهِۦۖ﴾

Ebika by'emmaali byonna, omuli n'ensolo ezirundibwa ze tulabye emabega, bwe bimala okuwera niswab, nyinibyo Obusiraamu bumwongera omwaka mulamba okuva lw'awezezza niswab nga tannaggyibwako Zakat. Kyokka byo ebirime ssi bwe biri. Allah ﷻ

yalagira biweebwemu Zakat olunaku lwe bikunguddwa. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿وَءَاتُواْ حَقَّهُۥ يَوْمَ حَصَادِهِۦۖ ﴿١٤١﴾﴾

[سورة الأنعام]

**Era mubiweemu Zakat olunaku lwe bikunguddwa**

Olunaku ebirime lwe bikungulwa nyinibyo alagirwa okutandika okukolerawo enteekateeka etuusa omugabo gw'abeetaavu ku bannyini gwo. Wabula akakatibwako okukakasa nti bikaze, era bivudde mu bikuta. Okukyerewamu okutono okw'okubiggya mu bikuta n'okukakasa nti bikaze bulungi, tekulina mutawaana ne bwe kutwalayo ennaku entonotono.

Oli wa ddembe okuwa Zakat yo mu kirime kyennyini. Bwe biba bijanjaalo, n'okwata kkiro 100 ez'ebijanjaalo n'oziggya mu kkiro 1000 lw'okungudde, n'ozituusa ku mwetaavu. Ekyo kye kisinga obulungi. Kyokka era okkirizibwa okuziwa mu sente ezija mu kkiro ezo olw'ensonga ez'enjawulo z'oba otunuulidde. Ekyo kikkirizibwa mu Zakaatul Maal olw'okubulawo okukkaatiriza okuva mu Nabbi ﷺ nga bwe yakkaatiriza ku Zakaatul fitir nti erina kuweebwa mu mmere so ssi mu sente.

***Kikulu era okumanya*** nti, ebirime biweebwamu Zakat omulundi gumu gwokka. Singa owa Zakat ekukakatako mu birime by'okungudde, oluvannyuma n'obitereka ekiseera, toddamu

kubiwaamu Zakat mu myaka gyonna egibiyitako nga okyabirina. Ekyo kyeyawulidde bika by'emmaali ebirala ebitali birime.

Bw'owa Zakat mu nte zo 30, ne wayitawo omwaka nga ente ezo zennyini okyazirina, ne bwe ziba zikyali 30 zokka, oteekeddwa okuddamu n'oziwaamu Zakat endala. Imam Ibn Qudaamah yagamba nti:

**وَإِذَا وَجَبَ عَلَيْهِ عُشْرٌ مَرَّةً، لَمْ يَجِبْ عَلَيْهِ عُشْرٌ آخَرُ، وَإِنْ حَالَ عِنْدَهُ أَحْوَالًا؛ لِأَنَّ**
**هَذِهِ الْأَمْوَالَ غَيْرُ مُرْصَدَةٍ لِلنَّمَاءِ فِي الْمُسْتَقْبَلِ، بَلْ هِيَ إِلَى النَّقْصِ أَقْرَبُ،**
**وَالزَّكَاةُ إِنَّمَا تَجِبُ فِي الْأَشْيَاءِ النَّامِيَةِ (المغني،5/305)**

**Zakat bw'emala okukakakata mu kirime, teddamu kukakatamu mulundi mulala ne bw'eyitako emyaka. Kubanga ekirime ekiterekeddwa tekizaala, era tekyeyongerako. Wabula ate kikendeera bukendeezi. So nga Zakat ekakata mu mmaali yokkaezaala ne yeeyongerako**

## OKUGATTA EBIRIME EBYA SIZONI EMU, N'OKUGATTA EBIRIME EBY'EKIKA EKIMU

***Ow'ekitiibwa Omukkiriza,*** kimanye nti ebirime eby'ekika ekimu biteekeddwa okugattibwa okuweza niswab. Eky'okulabirako: bw'oba walima ebijanjaalo ebya kamenyamiggo, n'obujanjaalo obweru, n'ebijanjaalo bya kanyebwa, ne nambaale, ebika ebyo byonna bwe biba biweza niswab nga bigattiddwa, okakatibwako okubiwaamu Zakat, kubanga byonna biyitibwa bijanjaalo.

Mu ngeri y'emu bw'oba walima kasooli omunnandi, ne kasooli ow'ebiweke ebinene atera okuyitibwa owe Kenya, ne kasooli wa nayirooni ow'obuweke obutono obwa kyenvu obutulisibwamu emberenge, n'ebika bya kasooli ebirala, kasooli oyo yenna agattibwa okuweza niswab, era n'aweebwamu Zakat. Kubanga yenna ayitibwa kasooli.

Kyokka tokkirizibwa kugatta kasooli n'ebijanjaalo okuweza niswab, wadde okugatta kawo ne kasooli, oba okugatta omuwemba n'obulo, oba okugatta kawo ne soya mbu osobole okubiwaamu Zakat. Kubanga ebirime ebyo ssi bya kika kimu.

**Kikulu nnyo** era okumanya nti, bw'oba n'ekirime eky'ekika ekimu nga wakirima mu bitundu eby'enjawulo, ekirime ekyo kigattibwa okuwera niswab eweebwamu Zakat. Ne bwe kiba nga buli musiri kulwagwo teguweze niswab.

***Eky'okulabirako***: singa oba n'omusiri gwa kasooli e Hoima, ng'olina omulala e Masaka, n'omulala e Kayunga, bw'otuuka

okukungula, olina okupima kasooli wo gw'okungudde e Hoima, ne gw'okungudde e Masaka, n'ekayunga. Bw'ogatta kilo z'oggyemu nga ziwera niswab, oba okakatibwako okumuwaamu Zakat mu mpa ze tulabye waggulu.

Ne mu biteekeddwa okumanyibwa mu kifo kino, kwe kuba nti kikakata ku mulimi okugatta ebirime bye ebya sizoni emu, ne bwe biba tebyakungulwa mu kiseera kye kimu. ***Eky'okulabirako***: singa enkuba etonnya n'osimba kasooli, ne wayitawo omwezi n'osimba kasooli omulala, teri kubuusabuusa nti kasooli oyo yenna togenda kumukungula mu kiseera kye kimu wadde nga yenna wa sizoni y'emu.

N'olwekyo, ogatta kilo zonna z'okungudde mu Kasooli oyo oluvannyuma lw'okukungula omusiri ogusembayo, bwe ziba ziwera niswab, oba okakaseeko Zakat. Bwe ziba teziwera tokakatibwako. Kyokka ebirime ebya sizoni ez'enjawulo tebigattibwa. Ate abalima ebirime byabwe mu nsaalu ne mu ntobazi, abateetaaga kulinda nkuba wadde sizoni, bakakatibwako okugatta ebirime byabwe byonna ebikunguddwa mu mwaka. Bwe biwera niswab ne bawa Zakat, bwe bitawera, ne batawa.

**Weetegereze bulungi:** abamanyi kye bategeeza ***''n'okugatta ebirime''*** si kugattira ddala birime ebyo mu mbeera nti tosobola na kubiganyulwamu nga season tennaggwako, oba nti oteekeddwa okutikka ebirime bye walima e Masaka, ne bye walima e Hoima, ne bye walima e Kayunga ku mmotoka osobole okubigatta awamu obipime obiweemu Zakat.

Wabula kye bategeeza, kwe kuba nti oteekeddwa okumanya obungi bw'ebirime by'okungudde mu lukungula olusooka n'oziwandiika. Bw'omala okuziwandiika, oli wa ddembe okulya, n'okugaba, n'okutunda. Oluvannyuma bw'okungula ebirala mu sizoni y'emu, n'ogatta kilo z'olukungula olusoose ku z'olukungula olwokubiri. Bwe bitawera kkiro 750, towa Zakat. Bwe ziwera, ng'obiwaamu Zakat.

N'alima mu ntobazi bw'atyo bw'akakatibwako okukola. Ate eyalima ebirime mu bifo eby'enjawulo, naye kimumalira okumanya kilo z'akungudde mu buli kitundu gy'alimidde. Oluvannyuma n'agatta kilo ezo, ne bw'aba ng'ekirime kye akitundidde eyo gye yakirimira. Twebaza Allah ﷻ eyatwanguyiza eddiini eno ey'ekitiibwa.

## ZAKAT EKAKATA KU MUPANGISA SO SSI NANNYINI TTAKA

## (الزَّكَاة عَلَى المسْتأجِر صاحبِ الزرع دوْن صاحبِ الأرْضيَّة)

Ne mw'ebyo ebikulu okumanya mu kifo kino, kwe kuba nti ebirime bwe biba byalimibwa ku ttaka pangise, Zakat ekakata ku mupangisa so ssi ku nnyini ttaka. Imaam Assa'adie mu Tafsiir ye, nga annyonnyola Ayat 267 mu Suurat Al Baqarat, yagamba nti: ne mu bye tuyiga mu Ayat eno:

أَنَّ الزَّكَاةَ عَلَى مَنْ لَهُ الزَّرْعِ وَالثَّمَرِ لَا عَلَى صَاحِبِ الأَرْضِ، لِقَوْلِهِ
{أَخْرَجْنَا لَكُمْ} فَمَنْ أُخْرِجَتْ لَهُ وَجَبَتْ عَلَيْهِ
(تيسير الكريم الرحمن للإمام السعدي رحمه الله)

**Kwe kuba nti Zakat ekakata ku mupangisa nannyini birime so ssi nnyini ttaka. Olw'ekigambo kya Allah: *"Bye mbaggyidde (mu ttaka)"* nannyini ebyo Allah by'aggye mu ttaka yakakatibwako Zakat.**

## OKUWUMBAWUMBA

Mu bufunze, ebyo bye tusobodde okulaba ku Zakat y'ebirime n'ensolo ezirundibwa. Nsaba Allah ﷻ ateeke omukisa mu kitabo kino, agase nakyo abaddu be. Akiwandiike mu mirimu egigasa ku lunaku emmaali n'abaana we bitaligasiza. Atuwe enkomerero ennungi. Okusaasira n'emirembe bibe ku mubaka Muhammad ﷺ, ne ba Swahaaba be ab'ebitiibwa, n'abo abagoberera obulungamu okutuusa ku lunaku lw'enkomerero.

***Muhammad Quraish Mazinga***
***Dar Al Hadiith***
***Al Fuyuush***
***Yemen***
***15th March 2023***